**30th April 2016.**

# OKWOLESEBWA MU KIROOTO KYA DANYERI KU BUFUZI BW'AMAWANGA.

**Danyeri 7:1-14.**

Amakya ga leero mu kweyongerayo kwaffe okusomesebwa mu kitabo kyaffe eky'omwaka guno ekikulu mu nsomesa z'ekigambo kya Mukama buli lunaku lwa Mukama, ekya Danyeri. Tuyingizibwa mu kitundu eky'okubiri eky'ekitabo kino, ng'ekitundu ekisooka eky'essuula omukaaga ezisooka okusinga kya byafaayo nga Danyeri bwe yalugerera ku bulamu bw'abwe e Babulooni, ky'okka kino eky'okubiri okusinga kya bya bunnabbi nga Danyeri atugerera ebirooto by'okwolesebwa kw'obunnabbi Mukama bye yamuwa kw'ebyo ebiribaawo mu biro eby'oluvannyuma wadde ng'ebimu by'atuukirira mu bulamu bwe ate ebirala mu maasoko nnyo, okuba nga ne leero tebinnatuukirira.
Kino ky'ekitundu kye wandiyise ng'ekizibu okutegeera ku kitabo kya Danyeri, era ekisinga okkubwaako empawa, ng'ekitabo ky'okubikkulirwa kwa Yokaana bwe kiri era ekikifaanana ennyo kubanga bingi eby'obunnabbi mu bitabo by'ombi by'efaanaanyiriza, nga bwe tuneeyongera okulaba. Era bw'oba n'obweegendereza weeyongera okkakasa ekitiibwa n'obuyinza bya Mukama eby'enkomeredde mu butonde bwonna, kubanga byonna ebisooka ebyayolesebwa Mukama eri Danyeri byatuukirira butereevu, ekirina ottukakasa nti n'ebitannaba tewali kitaatuukirire nga bwe kikigwaanidde okusinziira ku bunnabbi bwa Danyeri eri okugulumizibwa kwa Mukama Katonda waffe. Nga Peetero Omutume bwe yagamba mu II Peetero 1:19 -21, nti………
Obunnabbi buweebwa tusobole okutunuulira ebyafaayo n'addala n'ebyo eby'omumirembe gyaffe mu ndaba ya Mukama Katonda. Mw'ekyo ffenna ng'abantu tulowooze era tweeyise nga Mukama bw'atwagaza, kubanga Y'asalawo ebiriggya mu maaso n'abyolesa eri abantu.
Mu ndagaano enkadde omuddiŋŋanwa Mukama kye yakakasanga ng'ekimwawula kw'ebyo ebyasinzibwanga nga bakatonda abalala. Isaaya 44:6-8……
Era mu biro ebyo, nabbi eyalagulanga nebitatuukirira ng'ekigambo kye bwe kyaali, yattibwangawo mbagirawo, ng'amateeka Mukama ge yawa Musa bwe gaali. (Ekyamateeka Olw'okubiri 18:20-22).

Naye nga bwe tunaalaba bingi ku byonna Danyeri bye yawandiika ng'obunnabbi byakakasibwa ne Mukama waffe Yesu Kristo, nga mu Matayo 24:15,16.

Tusome mu ssuula yaffe nga bwe tweetegereza mu nnyiriri ekkumin'annya ezisooka….

Lnny.1 - Lutuwa okuweebwa kw'okwolesebwa okuba mu ntandikwa z'obufuzi bwa Berusazza. Ekizza ebyaabaawo okuba wakati w'essuula ey'okuna n'ey'okutaano. Mukama y'amanyi ekibiwandiisa mu ssuula ey'omusanvu. Era Danyeri awandiika obufunze bw'ekirooto sso ssi buli kimu nga bwe kyaali kye yaloota.

Lnny. 2 - Kwe kw'olesebwa kw'embeera z'obutonde bw'ensi z'amawanga g'abantu…..

Lnny. 3 – Okwefaanaanyiriza ekirooto kya Nebukadduneeza mu suula 2, omwaali ekifaananyi ky'ekibumbe ky'omusajja ekinene….

Lnny. 4 – Obwakabaka bwa Babulooni, obwa Nebukadduneeza.[Omutwe-Zaabu]

Lnny. 5 – Obwakabaka bw'aba Meedi n'Abaperusi.[Ekifuba n'emikono- Ffeeza]

Lnny. 6 – Obwakabaka bw'aba Yonaani, obwa Alexander omwaatiikirivu.[ Ekiwato n'ebisambi-Kikomo]

Lnny. 7-8 – Obwakabaka bw'Abaruumi…[ Amagulu – Kyuuma].

Nny 9 -12 -……………;.

Nny 13,14 – Omwana w'omuntu…….Eky'eyisanga Yesu Omwana W'omuntu ng'ayogera ku biseera eby'oluvannyuma kwe kkwasaganya n'ennyiriri zino. (Matayo 26)

Olunny. 14 okkwasaganya ne 2:34,35…………..lnny. 44.

Ng'oluddako tulaba amakulu amalala mu kw'olesebwa kuno, leero tunaakoma awo mu kweewuniikiriza kw'ekitiibwa kya Mukama, tweyongerenga okumukkiririzaamu n'okumwesiga….